

---

## Abayimbi baffe Mukulaba Okukwo Ddala Basomesa?

Posted by Kalibattanya - 2008/02/22 01:37

---

Bbangi kubo bagamba nti basomesa, naye ggwe olaba otya, abayimbi baffe n'embooji zaabwe? Kituufu okugamba nti abayimbi basomesa? Bwekiba bwekityo tebandyetaaze diplomas oba degrees okusinziira ku audience eneene gyebatukiriira ate nga mulimu nabaana ate nga "basomesa" ku nsonga za bulamu? Kiba kituufu omuntu yenna okusimbuka gyasimbuse, natandika okusomesa ensi? Oba bandyeyise basanyusa, bannakazanyirizi byokka?

=====

## Re:Abayimbi baffe Mukulaba Okukwo Ddala Basomesa?

Posted by Meli - 2008/02/22 11:24

---

Bano ba Master Blaster the Teacher? Sha! Wano olaba nabasomesa nabo gebakaaba gebakomba mubyokusomesa, olaba ne Makerere eri ku kayisanyo nga ogamba bayimbi? Hhm, kale nga ani ayasomesa ki? Obuddo butototololo? Gwe wali omanyi okupanga? Dipo naziggala? Omuwala omulungi talemwa maka? Ka mmuwe kubanga ye maama wange? Abatasiga nsigo? Bampe engoye ze nziwunyemu? Nja kusiba farm? Hsiiiiii!!!!

=====

## Re:Abayimbi baffe Mukulaba Okukwo Ddala Basomesa?

Posted by JeenaJulia - 2008/02/22 13:35

---

Kalibatanya..omulya mamba abela nomu....naye tukilize nti mubayimbi baffe mulimu abasomeseza ddala ela omuntu nafunamu ekyokuyiga. There are so many ways of killing a rat, you can kick it, box it, hit it with a stick or even trap it at the end of it all ojakuba ogise. Ekilala degree oba diploma zokuyimba nze ndowoza ze zo awards zebafuna.

Meli wrote somewhere nti "Gwe wali omanyi okupanga?" and "Ka mmuwe kubanga ye maama wange?" I really have failed to figure out what she had in mind. But I just pray its not what am thinking coz....never mind. But all in all teaching and learning are not easy tasks and thats the reason we have failures and gainers.

=====

## Re:Abayimbi baffe Mukulaba Okukwo Ddala Basomesa?

Posted by Meli - 2008/02/28 02:56

---

I would say JJ that I don't feel taught by these songs, in most cases not even entertained. Where I frequent, there are so many people who feel the same. Waliwo aleese wali nga ennyimba z'omugenzi Sebadduka, nga owulira akubuliira ebintu ebiri interesting byewandiyagadde okumanya. SOMETimes nga it's simple story telling naye nga mulimu interesting twists eziraga morals nga zezisinga mu bulamu. Kyoovq olaba nga ennyimba zabantu abo, tezikkaddiwa. Nabatannazalibwa baja kuzisinga enyimba ezo nga zinyuma. Kati mu ggwe wali omanyi okupanga ggwe wayigamu ki? Yesu, omusomesa wa basomesa yagamba nti sija kubagamba kwagala babagala, kubanga ate awo oba okoze mulimu ki? Mu butuufu waliwo omuntu agenda okuwulira Chameleon nga bwa wa maama we kubanga asaanye afunye, nabaawo kyayiga? Nze nzikiriziganya nekigamba nti basanyusa Intertainers nga munsu endala bwebabayita. Buvunayizibwa bungi okweyita ebisingawo, naddala eri abato abayinza okulowooza nti kuba oli yabeera olubuto emyeezi mwenda olina okumuwa afune. Songa ate oluusi ono yazaala nasula wali, nga mulala yeyasaza ekibatu entuuyo nomusaayi okumukuza nokumugunjula. Omwo mwemuva abaana abakuzibwa abalala obutabalaga kusiima, mwemuvudde kati byowulira nti kezaala kekomberera. Tetugambye nti tebayimba, naye baleme kweyita byebatali.

=====

## Re:Abayimbi baffe Mukulaba Okukwo Ddala Basomesa?

Posted by Mirembe2007 - 2008/02/28 14:03

---

Abamu basomesa era ngebintu byebayimba bilimu ekiliisa omwoyo nawe nowulila nti ddala mbadde mpabye mumpisa zange nina okweddako bwoba omanyi okwesunsula gwewenyini ngatonasunsula balala. Bwebareeta abo abayiyiza enyimba kusitegi olutandiika okunasula endongo amaloboozi agagambo agavamu kamwa kabwe gakwewuunyisa ngabamanyiidde ddala nti radio mu Uganda zikola 24/7 abaana bawuliliza buli mukuutu oguwereza. Mulabe kino ekya Mulaasi ekyokusiiba faamu waliwo gwesomye ko nga yayigilila okusiba faamu ya Mulaasi alina abaana 22 naye

---

newabasuzwa wakaabya nesente ezitwala abaana musomero tazilaba bwebafuna kunsalwa akwata mugo kubanga abakulu bajja kunyagulula abato ensalwa yabwe bawunyilwe lusu oba kukoma kusupu.ebigambo byebakozesa ebyobuwemu ngabalowooza nti abaana tebategera byonn byampuna kubanga kati abaana babanguka tewali kyebatamnyi okwo sikwekukabawaza abaana nokutuwemulilako ensonyi bazinaaba mumaso kasita bamanya nti kati omulembe gwabidongo namabinu asanga yayimba nabategeza ngabwabasomeseza omula yaloota nga agenze okufumbilwa ewa Fred nebatamila nnyo ngayeyali kadija nayasa egilasi za Fred 10 ddamba namuyisamu empi ekilo ekyo nokumusibilako namusibilako kyoka yali talina wakudda kubanga Fred yamutunza enyumbaye kale ekyo nakitubulila songa senga yali mugezi yalirese ataddemu abapangisa neyefunilangamu buli mwezi naye yebaka yazukuka nkeera ngabyagamba muluyimba tebijja oyagala omukwatayo bukwasu. Nze nsaba abamanyi okuwandiika enyimba guno bagufulire ddala omulimu bawandiike enyimba bazibatunze basobole okuyimba ebilimu amagezi naye tuffa.

=====

## Re:Abayimbi baffe Mukulaba Okukwo Ddala Basomesa?

Posted by JeenaJulia - 2008/02/29 18:41

---

Meli yambuziza: Kati mu ggwe wali omanyi okupanga ggwe wayigamu ki?

Ekibuzo kino okukidamu kiyinza okunetagisa okuwandika kumpi kitabo kilamba ekyenkana nga baibuli.Nze kulwange kyenayiga muluyimba luno kili nti teli muntu ali perfect and we should not take our buddies for granted kuba baba nemigaso olusi gyotoyinza kulaba nga wali naye amala kuvawo nolyoka okigyamu enjawulo.Yee lwaki mala obudde...balugela dda nti tekiwomela matama abili and I agree to disagree. :P :P :P I believe nti buli muntu ali entitled to his or her opinion on an issue.

=====

## Re:Abayimbi baffe Mukulaba Okukwo Ddala Basomesa?

Posted by tonto - 2008/03/04 19:34

---

Buli kibaawo kyonna kirina kyekiyigiriza, oba kirungi oba kibi. Abayimbi balina target group yabwe. wabula abasinga okuyiga bebantu abakyaali abatoto be tottotololo. Abayimbi abasinga obungi tebalina nakimu kyebayigiriza muntu akuzeemu. Omuntu akuze oyiga ki mubayimbi bokumulembe guno? Wabula bbo abato bayiga kiralu. Kale enyimba nga "akakazi akatono kannemye okumalawo", zi "kwata wakati", ogwange guli mu giya nene, "ago gonna matwalego" oyigamu ki? Enyimba ng'ezo edda nga neku radio baziwera. Wabula bbo abaana abato, tezibava kumimwa, era bayiga nnyo, bad or good.

=====

## Re:Abayimbi baffe Mukulaba Okukwo Ddala Basomesa?

Posted by robster - 2008/03/17 16:29

---

Kalibatanya nze ndaba bagwa mubuli kiti!waliwo oluyimba lwo mugenzi basudde mwanjonyorera buli kiti kyamuyimbi!mulimu abasomesa ddala,nga( Basudde)wuliriza enimiro yokubuganga,mulimu abaalanzi (SSebaduka)eddame lyaccwa,waliwo basenga nga babulira nawe noggwa enyalwe (kafeero)mwanyinaze oba bulanina(basudde )tuwasenju! mulimu bakazanyilizi kati nga latter O oba ndigidda. mulimu abalyowa omweyo wulira oluyimba lwa dr tee yeggwe anyamba nendala azemwoyo, nemubau nebano.....simanya mboko

Nze ngamba baggwa mubiti byonna ate abamu bayigirize bulungi okusobola okyigiriza abalala.mubuyivu sitegeza kugenda mukibiina kufuuwa lungereza ndowooza ontegedde.tetubanenya bonna lumu naye akoze ensobi tumuvumirire.

=====

## Re:Abayimbi baffe Mukulaba Okukwo Ddala Basomesa?

Posted by JeenaJulia - 2008/03/17 16:48

---

Dala nga neyiba bwagambye,naye kati eliyo byetulina okuvumilila naye ate nga bwoba wekka nobiwuliliza olusi wesanga nga bikunyumidde.Okugeza nga mic ya Zigiddi naluno olwa diggy nga guard ne helmet kwebili.Njogele ki ndeke ki.

---

=====

## Re:Abayimbi baffe Mukulaba Okukwo Ddala Basomesa?

Posted by rambuka - 2008/03/18 00:58

---

Abayimbi---aba kadongo kamu--edda bayimbanga enyimba esisomesa era mubano abavuka mulimu abayimbi aba yimba enyimba esisomesa-----measch semakula,juliana kanyomozi,walukaga-----nabarala---abeda -philly bongole lutaya---sebaduka---kafero,hadijja namale,jimmy katumba,afrigos,ne rwenzori band,kawalya ,ne savannas

=====

## Re:Abayimbi baffe Mukulaba Okukwo Ddala Basomesa?

Posted by Astartois - 2008/03/20 16:33

---

I beg to make my contribution in english. First of all let me explain why - I read and understand luganda so well but terrible when it comes to writing.

I would like to concur with rambuka some of the songs are educational while others are obnoxious. But again its up to individual judgement, to make a choice of music that is appealing and/or educational. If you ask me, some of these songs make good listening but are pretty much about petty wrangles. Maybe a good way for the singers to get rid of the negativite vibes, yes, eudcational???? hmmm mmm some but not all. I won't enumerate.

=====

## Re:Abayimbi baffe Mukulaba Okukwo Ddala Basomesa?

Posted by JeenaJulia - 2008/07/18 20:07

---

Abayimba bangi abafulumiza enyimba ensangi zinno ela nga kati kumpi buli muntu alina kudobozi yeyuna kuyimba alabe nga naye abaawo.Bangi bayingide mulwokano ela kati tulina variety.Naye nze kyendabye,enyimba ezilimu obusegu segu zatutumu okusinga enyimba endala,okugeza juzzi Lutalo yafulumiza KAPAPALA ela kati bukedde yamulaze nga agenda kuvulumula. Kati waliwo eyangambye mbu agenda kufulumya ZITELA KUBA BILI;BWOZIKWATAKO NAKYAMUKA katululinde tulabe,bwelunatunda nga golofa azimba.

=====